

Emiti gya Kasiya



Omuti gw'Ovakado

NARO

CAB INTERNATIONAL

IDRC CRDI

International Development Research Centre

Centre de recherches pour le développement international

Okumanya ebisingawo tukilira

Forestry Resources Institute (FORRI)

Akasanduku 1752 Kampala

Esiimu 041-255-163

Email: forilib@imul.com

OKUSIMBA EMITI MU NNIMIRO OKUKUUMA ETTAKA NGAGGIMU



Okusimba emiti egy'omugaso kye kki?

Kwe kusimba emiti mu nnimiro okutumbula embera y'abantu b'omubyalo no kukuuma obutonde bwensi. Emiti egisimbiddwa mu nnimiro giviramu abalimi eby'omugaso bingi nga emmere, ebibala, eddagala, emmere y'ebisolo, embaawo, enku, ebikondo, n'ebigimusa. Okusimba emiti yemu ku ngeri y'okutumbulamu obugimu bwettaka.

Engeri okusimba emiti gye kulungosaamu ettaka:

Emiti n'ebisaka eby'emigaso emingi biyamba okutumbula obugimu bw'ettaka ngabisika emmere okuva wansi mu ttaka, nga bikola emmere (bisika empewo eyitibwa nitrogen okuva mu bbanga) ate nokugizza mu ttaka. Emiti gino gikendeza n'okukulugguka kw'ettaka kubanga ginyweza ettaka eggimu negikendeza ne kumbiro za mukoka. Amagezi agenjawulo agakwata kukusimba emiti gazuliddwa kiyambe mukugimusa ettaka. Agasinga okukozesebwa mu Yuganda mwe muli okugimusa ngakozesa emiddo oba ebikoola by'okugganyizza, okuwummuzza ettaka mu ngeri ennongoseemu n'okusimba ebirime ekintabuli.

Okugimusa ennimiro n'ebiddoddo byojje awalala:

Kino kikwata ku kukozesa bikoola n'ebiddoddo ebirala ebibisi. Enkola eno nayo ekozesebwa kwongera kubugimu bwa ttaka. Otema oba okuula ebiddoddo ebigimusa okuva ebweru we nnimiroyo nga kunsalo, kunkomera oba mu nnimiro eziriranyeewo n'obiteeka mu nnimiroyo ne bivundiramu. Bino biyinza okuba ebikuta bye bijanjalo, ebikoola by'ebirime ebirala ebigwa muttuluba eryo oba ebisubi. Oyinza nokukozesa ebitungotungo. Kino kyongera kubugimu bwettaka



Ebitungo

nokwaaza ebirime. Ebitungo biriisa mangu ebirime. Omuddo bweguvunda gwongera ettaka obugimu

Enkozesa y'ebitungo

Tema ebitungo obiggyemu obulererere obuteeke mu binnya ebiri mu layini oba busasanye busasanyi obikkeko ettaka otabule bulungi. Bireke okumala sabiiti ngemu bivunde olyoke osimbe ebimeraabyo. Oyinza okutabulamu n'ebigimusa ebizungu nga (TSP,DAP oba ekisula) oba nakavundira osobole okufunamu ennyo naddala mu ttaka ery'olunnyo.

Okuwummuza ku ttaka

Okuva edda ne dda abalimi babadde bazisa ettaka okulisobozesa okuwumulamu ngatibasimbyemu kantu. Kino kiyamba ettaka okuddamu obugimu. Naye mu nkola y'okuwummuza ettaka ennongoseemu, emiti gisimbibwa mu ttaka eriwummuziddwa mu bugenderevu okulyongera obugimu. Emiti egitera okusimbibwa giba gyamirandira miwanvu ate nga gikula mangu. Okutwalira awamu emiti gisobola okusika empewo eyitibwa " nitrogen" okuva mu bbanga negigizza muttaka, gyegitera okukozebwa. Ebika by'emiti ebiyinza okukozesebwa munkola eno mwe muli Sesbania sesban, enkolimbo ne muluku. Bino bisimbibwa mu nnimiro okumala amakungula gamulundi gumu oba ebiri oba n'okisingawo. Ebbanga ly'owummuza ettaka lisinziira kumbeera gyeririmu. Emiti gino gireeta nitrogen mu ttaka, gitta omuddo negivaako n'enku.

Amagezi amalala

Amagezi amalala agakozesebwa mu Uganda mwe muli obutaleka mabanga manene ng'osimba, okutabula by'olima, okusimba enkomera ez'ebimera,



Okusimba Calliandra okuwummuza ettaaka

okusimba emiti kunsalosalo, okusimba ebibira ebyawamu, okusimba emiti egy'ebibala, okusimba emiti mulujja, okusimba emiti mu nnimiro z'emmere, emiti kumiseetwe egitawanyizibwa amataba, okusimba omuddo gwetawanyizibwa amataba, okusimba omuddo gwe bisolo, okubaawo n'ebitundu ebizibizi, okuba n'emiti egiyamba okuziyiza kibuyaga ne gigibwamu embawo nenku.